OBUBAKA BW'AMZUUKIRA (2020) ERI EGGWANGA

Metropolitan Jonah Lwanga
Uganda Orthodox Church

Abaagalwa Abawuliriza/Abatunuulira

"Olunaku lw'Amazuukira wansi w'ekire kya COVID19"

Tujaguza olunaku lwa Paasika Enkristo omwaka guno wansi wa bire bya ndwadde ya CORONAVIRUS. Nga Ekklesia mu ddungu tuyimba nga tuyana muddiŋanwa:

Olunaku lwa Mazuukira
Ayi abantu tunekaanekane
Paasika, Paasika ya Mukama
Okuva mu kufa okudda mu bulamu
N'okuva ku nsi okudda muggulu
Kristo Katonda atusomosezza
Nga bwe tuyana oluyimba olwekalakaasa!

Naye Paasika ya Kristo oba Enkristo kitegeeza ki mu luyimba luno? Emmeeme Enkristo bwe ebomba okuva mu nsi y'ekibi, ekyonoono n'okufa ebyomwoyo, okudda mu nsi y'obulungi n'obuvumu, olwo emmeeme eba ejaguza mazuukira mu Kristo. Ekklesia kwe kweyongera n'eyimba:
Ayi Kristo, eggulo
Naziikiddwa naawe,
N'olwaleero nzuukira nate
Naawe nga ozuukira.
Eggulo
Nakomereddwa naawe,
Ggwe wennyini ngulumiriza wamu
Ayi Omulokozi, mu bwakabaka bwo!

Emmeeme Enkristo, etakwana nsi okusinga ku Katonda, eyo etagondera Sitaani okusinga ku Katonda, ye ebeera mu lugendo lw'okufuusibwa mutabanyi oba muwala wa Katonda, omutongole w'obwakabaka bwa Katonda.

Kigambo wa Katonda Kitaffe yafuuka omuntu (atuukiridde) mu Kristo Yesu, kulwa bununuzi bwa bantu bonna okuva mu kibi, mu kyonoono ne mu kufa. Wabula, CORONAVIRUS kati awera okutta abantu bonna, kimu-bumu ku bibi era ku

byonoono, mu bulamu bw'abantu. Wekkaanye nti, byonna ebika by'obugeŋenyufu – obwekiifu mu buzira – bibi era byonoono bisibukize mu bulamu bwa bantu. Ensibuko y'ebimulu oba embeera zino engeŋenyusi mu bantu ye eruwa? Omuteeru guno, gwali era gukyali muzibu okufuna obuyingule n'abantu ku bwabwe, awatali kubikkulirwa kwa Katonda kunnakatonda.

Okusinziira ku kubikkulirwa okunnakatonda, enkola "enneerende" ey'ektonde (mmeeme) bwe yegiranya mu bwekiifu n'ekyetaago kya Mutatondwa (Katonda) olwo ekibi ekinnankola oba ekinnampisa kisibukizibwa. Ate mu kukomekkera, ekibi ekinnakikula kisoboka okusibukizibwa ekibi ekinnampisa. Kino kye kigerke ekittottola Sitaani, Wamusota, nga ensibuko y'ekibi, ekyonoono n'okufa. Gn 3:1. 2Cor 11:3. Rev 12:9; 20:2,7. Kyeyagalire omuntu anyooma Ekyetaago kya Katonda, n'agoberera engeri za Sitaani embi. Ekiddirira, okusinziira ku bunyoomi bw'omuntu eri Katonda kwe kufa, ettuluba erisooka mu bunnampisa, n'ettuluba eryokubiri mu bunnakikula. Gn 2,3. Jn 8:44.

Ddaladdala, embeera eno tegobererwa kuba nti, olwekyo Kristo Omulokozi teyabangawo musingi mugumu, kulw'okuziiza okugwanidde eri ebibi byonna, ebyonoono n'okufa. Okusinziira ku Biwandiike ebitukuvu, Kristo Kigambo wa Katonda yatuukiriza bulungi nnyo obutume bwe, kulw'obulokozi bw'olulyo lw'abantu. Mt 11:27. Lk 10:21-22. Jn 14:6-7. Wabula, okussa mu nkola obutume buno, nga obukoowoole bw'abantu obuva eri Katonda, ekyo gwasigala mulimo era muteeru gwa bantu, ekinnamunigina n'eknnabumu. Mt 10:40; 28:18-20. Jn 13:20; 14-17. Kuba mu bwanukule, nga oggyeko ekisa kya Katonda ku bwakyo, okwetaba n'okutuukiriza obukoowoole, ekyo kisigala eri bantu, bwe bakkiriza obutume n'eggonjebwa era ne bakolagana n'obwesigwa. Anti ekyetaagibwa kwe kufuuka obwanga obuggya okuva ku bukadde, n'okuzimba obwakabaka bwa Katonda okuva mu mawanga gonna, naye mu bwekwamu n'ebiragiro ebiweebwe mu kubikkulirwa okunnakatonda. 2Cor 5:17. Gal 6:15. Eph 4:22-25. Col 3:9-11.

Kyokka newankubadde, si abalala bokka abeegaanyi ba Yesu, wazira n'abasinga obungi ku Bakristo bennyini leero mu nsi tebagezesa bikula (kinnakatonda – kinnabuntu) bya Kristo byombi, yadde obuvumu ennyo Obukristo nga abaana ba Katonda, okuyitira mu mulimu omununuzisi ogwa Kristo ne Mwoyo Mutuukirivu.

Omutume Paulo atangaaza: Ddala, Katonda Kitaffe nga ayitira mu Kristo Kigambo,"yali yamala dda okutulonda nga n'ensi tennatondebwa, tube batukuvu

era bataliiko kinenyo mu masso Ge. Olw'okutwagala yatufuula abaana Be, nga ayita mu Yesu Kristo, nga bwe yateesa mu kusiima kwe, tulyoke tumutendereze olw'ekirabo kye ekyekitiibwa kye yatuweera mu Mwana we omwagalwa. Eph 1:4-6. Mt 3:17. Mk 1:11. Lk 3:2. Jn1:32-34.

Nga bwe tukomekkereza obubaka buno obwenjawulo ennyo eri eggwanga Uganda, tukoowoola abatuuze bonna okubalirira ensonga enkulu nti, Katonda waffe bwe yatonda ebintu byonna okuva mu butaliiwo okudda mu kubaawo, obutonde bwonna bwali bulungi. Gn 1:1-31. Ebibi byonna, ebyonoono n'okufa si bitonde bya Katonda omulungi. Zino nkwagulo ezaayitira mu bugetanyisi bwa Sitaani eyagetanya entono. Kale nno, nga bwe tutya ne twekweka ekibi kya CORONAVIRUS, mu ngeri yeemu bwe tusaanidde okwekuuma obutenkanya bwonna, obugeŋenyufu n'ebyonoono, nga bwe twambala ebikula bya Kristo byombi wamu n'obuvumu Obukristo.